جمعية سبيلي

Jeddah Midwest Dawah Association

جمعية وسط وغرب جدة الأهلية

للدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات

# OMUKYAALA MU BUSIRAAMU


KIWANDIIKIDDWA
ABDUL HAKIM AUSI MAKAYI

KYEKENNENYEZEDDWA
SHEIKH ABDUL HAKIM SENYONGA




المرأة في الإسلام

اللغة الأوغندية

# ENNYANJULA

Amatendo amajjuvu ga Allah Ow'ekitiibwa Eyatujjuliza eddiini N'agifuula nga kyengela gyetuli, era N'afuula ekibiina kyaffe nga kibiina ky'abusiraamu ate ky'ekisinga obulungi mubibiina byonna, Allah Yasindika gyetuli omubaka nga atusomera ebigambo bye nga atutukuza era n'atuyigiriza Ekitabo n'amagezi, okusaasira n'emirembe bibeere kw'oyo eyatumwa eri ebitonde byonna, nga ky'akulabirako eri ebitonde ebyo era nga kitangaala eri abakinoonya, ate n'emirembe jibeere ne kubantu bennyumba ye nebasswahaba be bonna.

Amazima ebyengera bya Allah eri omuddu omusiraamu binene, olw'okuba nti yamulungganya nafuna ekitangaala ky'eddiini eno ey'ekitiibwa, ddiini busiraamu, Eddiini Ya Allah jeyasiimira abaddu be, n'ajibajjuliza, era Talina ddiini gyaabaagaza okujjako yyo, Allah Agamba Ow'ekitiibwa: (Olwaaleero mbajjulizza eddiini yammwe nembawa n'ekyengera kyange ate nembagaliza obusiraamu nga ye ddiini yammwe) maeda:3 (Mazima ddala Eddiini emanyikiddwa mu maaso ga Allah busiraamu) Imran:19

Baganda bange mwenna ab'ebitiibwa, tulina okumanya nti Eddiini Allah Ow'ekitiibwa gyeyalongoosa nayo enzikiriza nempisa, N'alongoosa nayo obulamu bwe dduniya n'obwenkomelero,ate nejja omuddu mumbeera ey'awansi, ye ddiini busiraamu.

Era mubiraga obujjuvu bweddiini yaffe, ate nga kwetugenda okutambuliza omulamwa gwaffe kwekuwa omukyaala omusiraamu ekitiibwa ekyaawaggulu n'emukuuma nga tafuna kimukosa nakimu, n'eziyiza okumulyaazamaanya mumbeera yonna wadde okukozesa obunafu bwe okutuukiriza ebigendererwa by'abalala, era n'eteeka wakati w'omukyaala ono n'abantu abalala nebawangaala nabo bulungi ate nebeesiima nekunkomerero.

# OKUWA KW'OBUSIRAAMU OMUKYAALA EKITIIBWA

Eddiini y'obusiraamu ennungi n'okubuulira kw'ayo okwamagezi, yakuuma omukyaala omusiraamu wamu n'ekitiibwa kye kyeyamuwa n'emulaga okweesiima kwe wekuli, yamuteerawo amakubo nensonga nga bwazikwaata afuna obulamu obulungi obwemirembe nga bumutangira okugwa mu bubi n'obw'onoonefu nebikemo byensi eno, bino byonna biraga okusaasira kwa Allah eri Abaddu Be kuba yassa gyebali eddiini ebalunggamya, era nga elongoosa byonna ebitagenda bulungi.

Nabuli yenna eyetegereza ebyaafaayo byensi eno okuviira ddala emabega mu byaasa ebyenjawulo ajjakumanya nti muzimu kunsonga ennene ezaaviirako enkulaakulana y'ebitundu ebyenjawulo okugwa, nempangaala y'abantu okkutuka kutuka, nempisa okuggwa mu bantu, n'obwoonoonefu okweeyongera, kwekuba nti omukyaala yavaayo n'ayolesa ebyokwewunda bye, neyeetabula nabasajja mumirimo gyaabwe emingi ennyo ate nga n'ebiyungo ebimu eby'okumubiri abyoolesezza.

Omu ku bamanyi b'obusiraamu ayitibwa Ibun al-khayyim Allah Amusaasire yagamba: (Tewali kubusabuusa nti okwetabula kwa abakyaala n'abasajja mumirimo egyenjawulo nsibuko yabuli bulabe n'ebikemo munsi, era kyekimu kubiviirako okukka kw'ebibonerezo ebibuna, era kiviirako embeera yensi okwoonooneka, okwetabula kwa abakyaala n'abasajja kireeta obwoonoonefu n'obwenzi mu bantu, nekiviirako n'okufa okwawamu, nendwadde embi ennyo).

Ky'ova olaba obusiraamu bwajja n'okufumiitiriza okwawaggulu, neddagala ery'amanyi erijjanjaba ebikemo ebyo abantu nebawangaala empangaala ey'eyagaza, kuno kusomesa okulimu emikisa nga kutangira okuzikirira, n'obw'onoonefu mubantu kusaasira okuva ewa Allah eri abaddu Be, n'okukuuma ensa nebitiibwa byaabwe, n'okubakuuma okuva mu bigezo byensi nebyenkomelero.

Mubusiraamu tulina obujulizi obulaga nti ebikemo mubakyaala kasita bijja, obulabe bwamanyi obuddirira eri abantu.

Hadiithi nga eri MU Bukhari ne muslim nga eva ku swahaba usamah mutabani wa Zaidi Allah Amusiime nti Nabbi Muhammadi okusaasíra n'emirembe bibeere ku yye yagamba: (Sirese kikemo kibi nnyo eri abasajja nga baky'ala).

Ate Hadiithi eyayogerwa muslim nga eva ku saidi Alhudiri nti Nabbi Muhammadi yye okusaasira n'emirembe bibeere ku yagamba: (Mutye ensi eno, era mutye n'abakyaala, kuba ekikemo eky'asooka okugwa mubaana ba isirayiri baali bakyaala).

N'olwensonga eyo eddiini yateeka wakati w'omukyaala n'omusajja ebintu ebinaabawangaaza obulungi kuno kunsi nekunkomelero.

Allah Agamba: (Muhammad, gamba abakkiriza bakkakkanye kumaaso g'abwe era bakuume n'obweerere bwaabwe, ekyo kyekisinga obutukuvu jebali, mazima Allah Amanyi nnyo byebakola) Al-nuur:30

Era Agamba Allah: (Era gamba nabakkiriza abakyaala bakkakkanye ku maaso gaabwe, bakuume n'obweerere bw'abwe) Al-nuur:31

Era Allah Agamba: (Abakyaala mukkalire mu mayumba gammwe temwejaajaamyanga nga okwejaajaamya kwa abakazi abaasooka abaali mu mirembe gy'obutamanya nga obusiraamu tennajja) Ahzaabu:33

Agamba Allah: (Owange gwe Nabbi gamba bakyaala bo nebawala bo, b'abakkiriza bayambale engoye ezibabikka omubiri n'abakyaala gwonna ekyo kyekijja okubamanyisa baleme kukosebwa, Allah Musonyiyi era Musaasizi) Ahzaab:59

Ab'ebitiibwa mwenna kyetulina okumanya obusiraamu tebwagamba mukyaala kubeera mumbeera eno Iwa kumukkakanya nga abalabe b'obusiraamu bwebagamba wabula kino kimukuuma nekimutangira okugwa mu bw'onoonefu, era ayambale ekyambalo ky'okutya Allah, abange ekyo ky'ekitiibwa ky'omukyaala ekyannamaddala.

## MUBIMU KUBIRABO KURAANI BYEYAWA OMUKY'ALA

Eyetegereza ekitabo kya Allah kye yassa kubaddu Be nga bulunggamu, nakusasira, nakitangaala, nakyakujjukiza eri abajjukira, ajja kusanga okufaayo kwa kkuraan okwamaanyl eri omukyaala, n'okukuutira ennyo okuba nti afuna eby'etaago bye by'ayagala, n'okwewaza okumulyazamanya.

Mu Quraani ey'ekitilbwa mulimu ayat nnyingi ezikkaatiriza ensonga eno, ate nemu kkuraani mulimu surat namba "nissaa" nga ekwaata ku bakyaala.Nemubirabo kuraani byeyawa omukyaala byebino wammanga:

1. Quraani yalagira okuwangaala n'omukyaala mubulungi, neyeewaza okumulyazaamanya.

2. Yamuwa omugabo gwe mu by'obusika. Allah Agamba: (Abasajja balina omugabo gwaabwe mu ebyo abazadde n'abolugamda byebalese, N'abakyaala nabo balina omugabo gwaabwe mu ebyo abazadde n'aabooluganda byebalese..) Al-nnisa

3.Kuraani yaziyiza okuw'ayiriza Abaky'ala abalongoofu, n'okubakanyuugirira ebigambo nti bayenze. Allah Agamba: (Abo Abakanyuugirira obwenzi Abakyaala abensa (abatali benzi), oluvannyuma nebataleeta bajulizi bana (4) mubakube emiggo kinaana(80), ate temuddamu kukkiriza bujulizi bwaabwe bwonna kuba abo boonoonefu) nuur:4

Era Allah Agamba (Abo abakanyuugirira obwenzi abakyaala abensa (abatali benzi) Abakkiriza bakimanye nti baakolimirwa kunsi kuno nekunkomerero balina ebibonerezo eby'amaanyi) nuur:23

4. Yannyonnyola nti obufumbo buli mububonero bwa Allah obunene, nga buteeka wakati wabafumbo, okw'agalana, n'okusaasirigana. Allah Agamba: (Nemububonero bwa Allah kwekubatondera mmwe nga aggya mu mmwe mwennyni abakyala mulyoke mutebenkere gyebali, era yassa wakati wammwe okwagalana n'okusaasiragana. Mazima mwebyo mulimu obubonero obulaga obuyinza bwa Allah eri ekiblina ekifumiitiriza.) ruum:21

Bino by'ebimu kuby'okulabrako kubirabo Quraani byeyawa abakyaala nebirala bingi wabula tw'ogeddeko bitono, kuno kubuulirira okw'amanyi quraani kweyajja nakwo tusobole okuwangaala nga ebikemo byensi eno bituli wala, era kiraga okumanya kwa Allah okwawaggulu kuba Yeyatutonda amanyi ebitusaana.

## OKUKUMA KW'OBUSIRAAMU ERI OMUKYAALA

Obusiraamu bw'ateeka kumukyaala embeera ekuuma omubiri gwe, ekitlibwa kye, wamu n'obwereere bwe, nebumugaana okwoolesa ebimu kubitundu eby'omubiri gwe, nebumwagazisa okwambala olugoye olubikka omubiri gwe gwonna, nebumwaagazisa okuwangaalira munnyumba ye, nemugaana okufuluma munjuu ye nga y'ekubye obuwoowo, n'ebirala bingi ebyaagendererwa okukuuma omukyaala obutatuusibwaako bubi bwonna.

Bino wammanga by'ebimu obusiraamu byebwateekawo okukuuma omukyaala nga alina ekitiibwa kye.

1.giribaabu: Luno Iwelugoye olubikka omubiri gw'omukyaala yenna nga talaga byakwewunda n'ebitundu ebimu kumubiri gwe nga abasajja tebasobola kubiraba nga atambula.

Allah Yagamba mu Quraani: (Owange gwe Nabbi gamba bakyaala bo nebawala bo n'abakyaala b'abakkiriza bambale engoye ezibikka emibiri gyaabwe, ekyo ky'ekisinga obulungi gyebali okumanyikibwa nga ate tebanyiizibwa, Allah Musonyiyi nnyo era Musaasizi eri abaddu Be) ahzaab:59

2.Obutafuluma mu maka ge okujjako nga waliwo obw'etaavu:

Allah Agamba: (Munyweerere mumayumba gammwe ate wemufuluma nga waliwo obw'etaavu temw'ewundanga nemw'olesa emibiri gyammwe nga abakyaala ababasooka wo webaali bakola nga obusiraamu tebunnajja).

Hadiithi eyayogerwa Tirmidhi, Nabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku ye

yagamba: (Omukyala yenna bwereere, kasita afuluma mu maka nga ali yekka aba all na sittaani).
3.Omukyaala okweeyawula n'omusajja atamuzira kufumbirwa. Hadiithi eva ku Ibin Abbas Allah Amusiime, Nabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku ye yagamba: (Teyeeyawula omu mummwe n'omukazi atamuzira kufumbirwa luganda) Bukhar.
4.Obuteekuba buwoowo kungoye nga afuluma amakage nga waliwo obw'etaavu.
Nabbi muhammadi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba: (Omukyaala yenna ey'ekuba obuwoowo nafuluma amaka ge,nayita kubantu bawulire akawoowo key'ekubye, akimanye nti aba ayenze, nabuli liiso liba lyenze) Ahmed.
5.Obutasikiriza maaso g'abasajja kubatunuulira nga ate tebabalin'ako luganda Iwonna. Allah Agamba: (Abakyaala tebaggunda (wansi) amagulu gaabwe ku Iw'okumanyisa ebyo ebikisibwa mu byokwenyiriza kwabwe) nuur:31
6.Omukyaala okukkakanya amaaso ge obutatunuulira basajja.
Allah Agamba: (Gamba abakyaala abakkiriza bakkakanye amaaso gaabwe ate bakuume n'obweerere bwaabwe) nuur:31
7.Okweekuuma nga atya Allah n'okumusinza:
Allah Agamba: (Era bagambe abakyaala bayimirizeewo esswala batoole nezzaka mummaali yaabwe, bagondere Allah n'omubaka we...) Ahzab:33

Nembeera eno Quraani gyeyateekawo kumukyaala ekyaagendererwa kumukuuma. N'olweekyo kyengera ky'amanyi omukyaala ky'alina, kuba obusiraamu bwaateekawo amakubo nga w'agakwaata afuna okweesiima kuno kunsi ne kunkomerero.

Ate kyetulina okumanya nti omukyaala obusiraamu bwaafuula ejjanaaye nga nnyangu okusinga omusajja, Hadiithi nga Nabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku yye yagamba: (Omukyaala wasaala eswala ze ttaano,n'asiiba omweezi gwa

ramadhani,n'akuuma obwereere bwe ,n'agondera bbaawe, ejjana agiyingirira mumulyango gwonna gw'ayagala) Hadiithi eri mu kitabo kya ibn Hibbani.

Omukyaala omusiraamu nga y'esiimye nnyo olw'endagaano ey'ekitiibwa obusiraamu gyebwaamuwa nga atuukirizza ebintu eby'ogweddwaako mu Hadiithi eyo waggulu. Bino byonna Allah Abitugamba tubikole Asobole Okutusonyiwa ebisigadde kuba teturi batuukirivu mubuli kimu, naye ate ekyennaku abamu bakwaata makubo gaabubuze nebagoberera myooyo gy'abwe gyegibagamba.

Era kiruma nnyo, nti omukyaala omusiraamu kuguno omulembe apangibwa enkwe ezenjawulo okulaba ekitiibwa kye nga kigenda, abeere nga abantu aboonoonefu webeeyisa tumuwanjagira Allah Atutaase.

## ABALABE B'OBUSIRAMU BYEBAPANGA KU MUKYAALA OMUSIRAAMU.

Waliwo abantu abenjawulo mubibiinja ebingi okuva munsi ezaabazungu, n'abasiraamu nga empangaala y'omukyaala munsi zabulaaya baajisiima bagala bino wammanga bikolebwe kumukyaala omusiraamu:

1. Baagala omukyaala omusiraamu yeyambule giribaabu, ayambale engoye ennyimpi nga ate zimulaga omubiri gwe. Kino ab'oluganda kimalawo ensa z'omukyaala bwaaba alibwaatyo twalabye nti Allah yagamba: (Owange gwe Nabbi, gamba bakyaala bo ne bawala bo n'abakyaala b'abakkiriza bayambale giribaabu (nga zengoye ezibikka omubiri gwonna), ekyo ky'ekisinga obulungi gyebali bamanyikibwe nga tebanyilzibwa (oba okutuusibwaako obulabe bwonna) ahzab:59

Naye abantu ababi baagala omukyaala atambule mukkubo nga abasajja amaaso gaabwe gali ku ye, awo omukyaala w'asinga okufuna obuzibu, obwenzi obusinga munsi buvudde y'abakyaala, ate kiri wala omukwaata nga ayambadde giribaabu, kunnyambala tusaba Allah Atutaase.

2.Baagala ekyenyi ky'omukyaala kikubwe ebifaananyi biteekebwe buli wantu, kino tekirina kubuusabuusa nti kubo ly'akweyambula hijaabu.
3. Balwaana omukyaala yegatte n'abasajja, era afune n'emirimo gy'abasajja gyebakola, asobole okuleka obuvunaanyizibwa bwaalina okkola munsi muno, nga bekwaasa okkomeka omukyaala ewaka wokka kuba kumulyaaza maanya, subhaana Allah.

Naye ate ebyo byawukanira ddala n'ebigenda mumaaso kumulembe guno, mazima omukyaala okumuwa emirimo egitali gije kuba kumuttira bulamu bwe, ky'ova olaba batambula balaga emibiri gy'abwe nekiba nga kivaamu obwoononefu, n'emize emibi mingi nnyo, tusaba Allah Atutaase ebikemo bino ebigenda mumaaso munsi eno eri bakyaala baffe, bawala baffe nebannyinaffe.

## EBIVA MU BAKY'ALA OKWETABULA N'ABASAJJA KU MIRIMO EJENJAWULO

1.Okwetabula kwa abakyaala n'abasajja, kireetera abasajja obutawasa oba okulwaawo okuwasa, kubanga obwaagazi bwe kasita abumalira ewatali kuwasa, nga talina buvunaanyizibwa bwakulabirira mukyaala ate Iwaaki aba awasa, ne namba y'abantu abatali bafumbo ennyingi ennyo ky'ekimu kubujulizi kunsonga eno abavubuka mu kampala bangi mu myaka (25) n'okudda waggulu tebawasanga.
2.Ensonyi z'omukyaala ezitaliimu kulaga mubiri gwe zinafuwa, buli Iw'asemberera abasajja, ate tewali kitiibwa kya mukazi bwaba talina nsonyi.
3.ky'ekimu kunsonga ennene eziviirako okkumpanya n'okwelyaamu enkwe wakati w'abafumbo, ensonga eno ekumamu omuliro abafumbo nebayomba, neb'ewaayiriza nebirala binji, olwensonga nti omukyaala ajjakuba ne mikwaano gy'abasajja bangi era n'omusajja nga alina mikwaano je abakazi bangi, era buli omu ajjakuba aketta munne kumulimo gy'akolera awo ebivaamu tebiba birungi.
4.Okugatta abakyaala n'abasajja kumirimo ne kumasomero, kireetera buli omu obwongo

akubussa kumulala n'anafuwa ne kuby'emirimo oba okusoma, okunoonyereza okuliwo kumulembe guno kulaga nti mu zimu kunsonga ennene Iwaki abaana abasoma banafuye nnyo mumasomero agaawamu (abawala n'abalenzi) kiri Iwaakuba buli muntu obudde abumala kumulala, omuwala obwongo buba kumulenzi, era n'omulenzi buba kumuwala kati awo aba an'asoma ddi? ky'ova olaba namba nnene nnyo ey'abawala bafuna embuto nga bakyaasoma.

5.Okufuna embuto ezitall mumakubo gakkirizibwa oba nga ziri wabweeru wabufumbo, okunoonyereza okuliwo ebiseera bino mu America, ennamba nnene nnyo eyabawala munsi eyo bazaala buli mwaaka nga sibafumbo, ekyo kibaawo mumyaaka egy'ekivubuka. Ate newano eUganda bwekiri ennamba yabawala nnene nnyo bafuna embuto nga sibafumbo abamu bazifunira mumasomero. Ebyo byonna Iwaakuba abakyaala beetabye n'abasajja kumirimo ky'ova olaba tufuna ebigezo nga bino.

6.Okkwaatibwa (okkabasanyitibwa) kwa abakazi n'abawala abavubuka wamu n'obwenzi okuyitirira, bino byonna tubiraba mu kampala n'ebitundu ebirala, abakyaala babonaabona bangi olw'okuba bakkirizibwa betabike n'abasajja mubifo ebyenjawulo.

7.Okuwasa n'okufumbirwa abantu abakuzira, kino nakyo tukirabye nnyo abengganda nga b'ewasizza nga tebamanyi, nyina nze bennalabako nga baagwa mumukwaano ne bafuna n'omwaana naye kasita baakizuula nti ba luganda naye nze kye nneewunya kubano nti omu kubo yagaana okumwaawula ne munne, mubutuufu kinakuwaza era kiswaaza.

Nabweekityo nkoowoola abantu bonna nga nange senjjeemu okuteekamu amanyi amangi okulongoosa amayumba gaffe n'amaka gaffe, olw'obuvunaanyizibwa Allah bweyatukwaasa kunsi kuno nga Nabbi muhammadi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye bwe yagamba: (Mwenna buli balunzi nabuli omu ajjakubuuzibwa kubulunzi bwe...).

## ENSONGA EZIJJAWO OBUBI KU BAKYAALA NE BAWALA BAFFE NADDALA MUMAKA MU GAFFE.

1.Okumuwanjagira Allah nga tumusaba Ow'ekitiibwa Atukwaatileko kubikemo ebisusse munsi naddala kubaana baffe ab'obuwala, olw'okuba nti edduwa kitala ky'amanyi wekiba nga obukwakkulizo bwedduwa butuukiridde obukkiriza edduwa eyo.

2.Okubatwaala mumisomo egitegekebwa nga gy'abakyaala, naddala emilamwa nga, omukyaala omusraamu, olugoye lw'ornukyaala omusiraamu, nebirala bingi, abaana baabwe basobole okukula nga bali kumusingi omutuufu.

3.Okuteekawo libraly (ekifo ewasomerwa) ewaka nga erimu ebitabo ne cidi nga bigasa abisoma oba abiwuliriza, omukyaala asobole okuwangaala nga ebirungi bimweetoolodde yenna, awonno ajja kuganyulwaamu mwennyini ate asomese n'abantu be.

4.Okwetaba mumasomero, nga amasomero agasomesa Quraani ey'ekitiibwa.

5.Taata okufaayo ennyo okulaba nti mukyaala ki gwa ateeka mumaka ge, olw'okukuza abaana nga bali kumusingi omutuufu, ekyo kiri mubuvunaanyizibwa obwamanyi ku ludda lw'omusajja.

6.Maama awaka alina okufaayo okumanya emikwaano gy'abaana be abawala, era ababuuze ku mikwaano gyebalina, amawulire asobole okugatuusa ku taata mumaka. Bameka betulaba mumikwaano emiwala emibi egyonoonye amaka g'abannaabwe, nebaleeta empisa embi mumayumba g'abantu, n'ebyaama byenju okufuluma,tusaba Allah Atutaase.

7.Abazadde bombiriri obutava nnyo waka, bwekibakibaddewo olw'engendo ez'enjawulo naddala taata, aba alina okubawuliza ku ssimu oba engeri yonna, kubanga okubulawo ennyo ewaka kiwa ebbeetu abantu ababi okuyingirawo.

8.Nekubimu byetulina okkola okujja abakyaala nebawala baffe mubikemo byensi eno, buli omu muffe asitukiremu mubwangu ddala okwengganga abantu bano ababi abaagala omukyaala afuuke ekintu ekitagasa munsi, omumanyi ne ilimu ye, omuwandiisi nekkalaamu ye. n'omubuulizi

n'okubuulirira kwe, n'abalala bwebatyo tusobole okutaasa omukyaala omusiraamu.

9.Okwasanguza n'okwoolesa abo bonna abaagala omukyaala yejjeko engoyeze kumubiri atambule nga bw'ayagala, n'okwoolesa amannya gaabwe atabamanyi tabeela nga akosebwa n'obutwa bwaabwe.

10.Okusoma mubitabo ebya wandiikibwa ogw'omukyaala omusiraamu naddala ebitabo by'abarmanyi abanene kumulamwa ab'obusiraamu wamu n'ebyaabo ab'ewaayo okun'onya okumanya, amazima mukusoma ebitabo bino n'okuwuliriza emisomo gyaabwe omuzadde afuna okulaba okwawala, nti alina obuvunaanyizibwa obunene ku ludda Iwa amaka ge.

Allah Ow'ekitiibwa tukusaba Otuyambeko okuyimirizaawo obuvunaanyizibwa bwewatukwaasa, era tukusaba otukuumire eddiini yaffe, Otukuumire ne dduniya nga kyakutuyambako tubeere nga tukugondera, Otutaase buli yenna ayagala okusanyaawo eddiini yo, naddala abaagala okwoonoona ekitiibwa ky'omukyaala, tukusaba Allah Otukuumire bakyaala baffe ne bawala baffe abasiraamu, Obataase n'ebikemo byensi eno ebyeyolefu n'ebyeekweese mazima owulira okukoowoola kwaffe ate Gwe Mwanukuzi waffe Amiina.

920008669
0558845030
www.jeddawa.sa
JedDawaSA
مسجلة في المركز الوطني لتنمية القطاع غير الربحي برقم ( ٣١٩٧ )
SA6780000223608010010008
SA0510000013149477000102